Bya JOSEPH MUTEBI

# Namyalo asakidde abakyala Abasiraamu obuwumbi 20 ewa Pulezidenti Museveni

PULEZIDENTI Museveni agambye nti agenda kuteeka obuwumbi 20, mu SACCO egatta abakyala Abasiraamu okwetoloola eggwanga lyonna kibayambe okulwanyisa obwavu mu maka.

"Mpulidde okwemulugunya okuva ewa muzzukulu wange Hajjat Hadidjah Namyalo ng'agamba nti ssente ze nnawa abakyala Abasiraamu mu November wa 2022, abamu tebaazifuna kye ndowooza nti zirabika zaali ntono nnyo nga ne bwe mbateera mu SACCO yammwe obuwumbi 10 oba 20 kirabika si kinenne nnyo kasita mbeera nzitadde mu SACCO egatta abakyala Abasiraamu mwenna mu ggwanga," Museveni bwe yategeezezza.

Bino Museveni yabyogeredde mu kibangirizi kya Millenium Grounds e Lugogo ku Lwokubiri bwe yabadde asiibulula Abasiraamu abaabulijjo okuva mu Kampala, Wakiso, Mukono, Kayunga ne Mpigi omuli ab'omu butale, Ghetto, ttakisi, boda boda n'abalala.

Museveni okusiibulula Abasiraamu bano kyaddiridde akulira ofiisi ye mu ggwanga nga ssentebe wa NRM Hajjat Namyalo okumutuukirira n'amutegeeza ng'Abasiraamu abaabulijjo bwe beemulugunya nti baamuwa akalulu naye bw'atuuka okusiibulula Abasiraamu, akikola ku bagagga bokka b'akyaza mu maka g'obwapulezidenti e Ntebe.

Museveni bwe yabadde asuubiza okuwa abakyala Abasiraamu bano entandikwa ya buwumbi 20, mu SACCO yaabwe basobole okwekulaakulanya, yasabye ba bba baabwe obutamunyigira nti aboonoonedde amaka kubanga ayagala abakyala bano abaabadde bakaaba nti abasajja babalekera abaana ne bagaana okubaweerera basobole okufuna ffiizi nga beetandikiddewo emirimu.



JOSEPH MUTEBI

Hajati Namyalo ng'ayanjulira Pulezidenti Museveni abamu ku bakulembeze b'Obusiraamu. Owookubiri ku kkono ye Sheikh Sulaiman Kakeeto ne Sheikh Yunus Kamoga (owookusatu ku kkono).

## Abawabudde ku bizinensi ezivaamu amagoba

Ku mukolo gwe gumu, Pulezidenti kwe yatongolezza ne yinsuwa ya Tamini General Insurance ng'eno ezze n'ekigendererwa ky'okulaba nga n'omuntu asembayo avuga booda, takisi oba ow'omu butale asobola okugiganyulwamu kubanga tetunuulidde kya kufuna magoba kyokka n'okulaba ng'eyamba omuntu waabulijjo naye ave mu bwavu.

"Mbebaza aba Salaam bank, okukomyawo enkola yaffe ey'obujjajja eyedda mu Ankole, nga omuntu bw'akuwa ente naawe omuddiza nte. Wabula nsaba abagenda okwewola ssente mu bbanka ya Salaamu Bank n'abagenda okukozesa yinsuwa ya Tamini okufuba okulaba nga ssente muziteeka mu bintu ebizaala amagoba," Museveni bwe yategeezezza.

Museveni yagambye nti musanyufu nnyo olwa Namyalo okumuyambako okutuuka mu bantu baabulijjo n'asobola okumanya ebibaluma era gavumenti egenda kufuba okubikolako.

Namyalo yeebazizza Pulezidenti Museveni okumuwuliriza bwe yamusaba ng'alabye nnamba y'abantu esusse mu makomera n'amusaba asonyiwe kw'abo abakoze ekibonerezo kyabwe emyaka egiwera era nga beeyisizza bulungi bateebwe mu mbeera eyo n'asonyiwa Muhammed Ssebuufu owa Pine atunda mmotoka mu Kampala .

Abakulembeze b'Abasiraamu abaabaddeyo kwabaddeko Shiekh Obeid Kamulegeya, Sulaiman Kakeeto, Khadhi w'e Wakiso Shiekh Elias Kigozi n'abalala.



Hajati Namyalo ng'alamusa ku bakyala abaabaddeyo.

MIRIAM NAMUTEBI